



OKULANGIRIIRA OMULAMWA OGWA 2012

16 DAYS OF ACTIVISM AGAINST GENDER VIOLENCE
16 DÍAS DE ACTIVISMO CONTRA LA VIOLENCIA DE GÉNERO
16 JOURS D'ACTIVISME CONTRE LA VIOLENCE DE GENRE
25 NOV - 10 DEC <http://16dayscwg.rutgers.edu>



Okuva ku mirembe mu maka okutuuka ku mirembe mu nsi yonna: Tusomooze obukambwe obw'ekijaasi tukomye okutulugunyizibwa kw'abakyala!

Enaku ekumi n'omukaaga eza kawefube ow'okulwaniriira eddembe ly'abakyala mu mwaka 2012 zijjakugenda mu maaso n'omulamwa gw'ensi yonna oguvuga nti: **Okuva ku mirembe mu maka okutuuka ku mirembe mu nsi yonna: Tusomooze obukambwe obw'ekijaasi tukomye okutulugunyizibwa kw'abakyala!** Omwaka guno lwetuweza emyaka esatu nga tulwaniriira n'okumanyiisa ensi akabi akali mu kutulugunya n'okukozesa obukaambwe obw'ekijaasi ku bantu. Okusenziira ku mawulire agava mu bitongole wamu ne mu bantu kinnomu, ekitongole ekiwomye omutwe mu kukwanaganya kawefube ono mu nsi yonna, ekya Center for Women's Global Leadership (CWGL) kiky kugenda mu maaso n'okukolaganira awamu naabo abali kugw'okulwanyisa obukambwe obw'ekijaasi n'okuvumbula ebintu ebilala eby'ekuusa ku mbeera eya bulijjo muby'enfuna eby'ongera okuleeta obutabanguko mu maka.

Obukambwe obw'ekijaasi y'ensibuko ey'okutulugunyizibwa kw'abakyala. Engeri gyebuleetera abantu okutya, obukambwe obw'ekijaasi buwagiira enkola ey'okutulugunya, obukambwe n'okukozesa amateeka ag'ekijaasi mu kugonjoola enyombo/obutakanya n'okwongera amaanyi muby'enfuna n'eby'obufuzi. Ebiva mubukambwe obw'ekijaasi buyingira nnyo mu bikozezebwa mu matendekero, muby'obuwangwa n'emundowooza z'abantu bonna. Liteeka ku mwanjo enkola ey'okutulugunya okw'ekisajja era n'okulowoozesa abantu nti okutulugunya y'engeri entuufu ey'okugonjoola ebizibu. Bulijjo, obukambwe obw'ekijasi bukosa nnyo mu bukuumi n'ebiyokwelinda kw'abantu boona, omuli abakyala, abaana n'abasajja. Okuviira dala ku kukaka omukazi omukwano okutukiira dala ku kukukoleera abaana emundu ez'okuzanyiisa, obukambwe obw'ekijasi buletera omuntu okubeera n'engeri gyalabamu abakazi n'abasajja, ab'omumaka gaffe, baliranwa, obulamu obw'abulijjo, n'amawanga amalondemu.¹

Mu 2011, ekibiina ky'abakugu mu nsi yonna kyanokolayo ensonga tano okuva mu mulamwa ogw'ensi yonna.² Zezino: (i) Okutulugunya abakyala mu by'obufuzi (ii) Okukola eby'okulwanyisa ng'obubuundu obutono n'engeri gyebukozesebwa mu kuleeta obutabanguko mu maka, (iii) okukaka omukazi/omuntu omukwaano mu biseera eby'entalo n'oluvanyuma lwazo, (iv) omukono gwa gavumenti mu kw'ongera okutulugunyizibwa kw'omukyala mu by'omukwano n'emu kikula ky'abantu n'ekyokutaano v) obuvunanyiziibwa bw'abakyala, emirembe wamu n'ebibiina ebirwanyiriizi by'eddembe mu kusomooza enkola eri wakati w'obukambwe obw'ekijaasi n'okutulugunyizibwa kw'abakyala.

Okusenziira ku by'ava mu b'enyigiira mu kawefube ow'enkumi 2011, kawefube w'omwaka guno ow'enakku ekumi n'omukaaga ajja kussa essira ku nsonga satu ku ziri etano: ennaku ekumi n'omukaaga mu mwaka guno zijja kussa essira ku nsonga satu ku ziri etano:

- I. Obusambatuko obuletebwa bana byabufuzi:** Gavumenti n'abakozi baazo bayita mu kutulugunya okufuna byebetaaga, nga beyambisa amaanyi n'obukoddyo obw'ekijaasi n'obwetaavu bw'obukuumi bwagavumenti okugulumuiza obutabanguko n'okutiisatiisa ng'emu ku makubo ag'okunyweeza eby'okweliinda. Governments and state actors use violence to achieve political goals, employing militaristic ideologies and the need for "state security" to pass off violence and intimidation as "security" measures. Mu nkola ey'okutulugunya okw'ekijaasi, omuntu sekinoomu alimubuyinza akimanyi nti azza omusaango natavunaniibwa olw'edala lye, nga kino kirabikira mu kukaka abakazi omukwano okuli mu bajjasi, okutiisatiisa abasilikale ba polisi kwebakola eri abakazi ababa balopye emisaango egy'ekuusa kukutulugunyiziibwa oba okutuntuziibwa, obukaambwe obusuuse n'okutisibwatisiibwa, ab'obuyiinza okukaka abakyala/abawala nebabakuba emikono mu mbugo mbu babakebeera oba bakyaali mbereera n'okutulugunyizibwa kw'abakazi/abakyala abasula nabakoleera mu bifo ebiriraanye enkambi z'amaggye. Abalwanyiriizi b'eddembe ly'abakyala abakola ku nsonga ez'ekuusa ku by'enfuna, embeera z'abantu n'eby'obuwangwa wamu n'ez'eby'obufuzi nabo bakwatibwaako. **Olw'okuba nti gavumenti teliina kyelaga nti ky'ekozewo wamu n'okulemererwa okuvunana ab'enyigidde mu kutulugunya mu by'omukwano n'ekikula ky'abantu; kisigala nga kizibu okussa ekomo ku bukambwe bw'ekijaasi.**

- 2. Obusambatuuko mu maka n'obulabe obukolebwa eby'okulwanyisa nga emundu/basitoola.** Obusambatuuko mu maka, ekintu ekirude nga kibooby ebibiina by'abakya emitwe mu nsi yonna kikyagenda mu maaso mu buli ggwanga mu nsi yonna. Kiteberezebwa nti abakya abasinga obungi mu nsi yonna batulugunyizibwa baganzi baabwe mu kaseera akamu mu bulamu bwabwe.³ Okuturugunyizibwa kuno kuba kwa bulabe nyo na dala singa eby'okulwanyisa gamba nga emundu, ejambiya n'ebilala biba mu maka, kubanga bikozesebwa mu kutiisatiisa, okulumya n'okutta abakya n'abaana. **Eby'okulwanyisa ebyo ebitonotono tebikozesebwa mu kutulugunya butulugunya bakya kyokka wabula biretera abiliina okwewuliira eryaanyi.** Ng'ojjeeko kyetutunulidde (obutabanguko ob'emirembe) okubaawo kw'emundu kulina engeri gyekuwagamu omuntu: **emmundu gyezikoma obungi gyezikoma okuba ez'obulabe eri abakya.** Nolw'ekyo, omwaka guno tujja kugenda mu maaso n'okwekeneenya obusubuuzi wamu n'enkola y'eb'okulwanyisa nakulaba engeri gyebw'ongeramu okutulugunyizibwa kw'abakya n'obutabanguko mu maka okutwaliira awamu. Nga bwetulowooza ku bingi ebikoleddwa, mu ngeri y'okuletawo amateeka n'obuwereza obulala obubawebwa, ebibiina by'abakya bikyagenda mu maaso n'okukola ku nsonga eno enkulu enyo.
- 3. Okukaka abakya omukwano mu biseera by'entalo n'oluvanyuma lw'azo: Sexual Violence during and after Conflict:** Okukaka abakazi omukwano mu biseera by'entalo n'oluvanyuma lwaazo kikozezebwa mu ngeri ya kwejalabya n'okwoleesa obuyinza n'obukulu/ekitiibwa mu by'obufuzi. Era kikolebwa mungeri y'okutiisatiisa, okutyoboola n'okubonereza abakya, ab'omumaka gaabwe oba abantu bomukitundu ekyo okutwaliira awamu. Newankubadde wabadewo okufaayo kungi mu biseera bino, naye **okukaka abakazi omukwano gukyali muziziko munene nyo eri obukuumi n'okweyagala kw'omukyala** kubanga kimukosa ku mubiiri, mu bwongo n'emumbeeraye eyabulijjo. Obutali butebenkevu obuletebwa entalo buvaamu obusambatuko obuyitiridde obuletera abakya okutulugunyizibwa okusukiriidde olusi nekuvaamu n'okufa. Olutalo olubadde olw'amaanyi nebyeluggwa, okukaka abakya omukwaano kugenda mu maaso ekisukiriidde mu maka nemubitundu kasita wasigalawo embeera ey'obukaambwe obw'ekijaasi. **Ebibiina by'abakya ebisiinga obungi bikikattiriiza nti kwawukana kwa bafumbo okuva mu ntalo oba nga ziwedde, kutera kuva mu kutulugunyizibwa okw'obukambwe obw'ekijaasi wadde nga olutalo lwaggwadda.**

Kawefube ow'enakku ekumi n'omukaaga atuwa omukisa ffe nga abalwanyiriizi b'eddembe ly'abakya okulaba engeri gyetuyinza okusomooza gavumenti zaffe okuvunanyizibwa mu kujjawa embeera ekiriza obutabanguko mu maka okweyongera. Nga bulijjo, ekitongole ekya Center for Women's Global Leadership (CWGL) kisikiriza abalwanyiriizi b'eddembe bonna okussa essira ku nsonga ezigasa ab'omu kitundu omwo. Okwetaba mu kawefube ono tekitusobozesa kulwanyisa butabanguko mu maka mwokka n'okwongera okusomesa abantu ku by'okutulugunyizibwa, wabula kitusobozesa kw'ongera amaloboozi gaffe ku g'abakya ab'omubitundu n'amawanga amalala abaagaana okusirika. Obutabanguko mu maka butukosa ffena okutwaliira awamu. Mungeri eno, Gavumenti zaffe zilina obuvunanyizibwa okwanukula, okukuuma n'okuziyiiza.

Ebifa ku kawefube ow'ennaku ekumi n'omukaaga (16)

Kawefube ow'ennaku ekumi n'omukaaga wa nsi yonna ng'alubirira okukomya obutabanguko mu maka. Ekitongole ekya Center for Women's Global Leadership kyekiwoomye omutwe mu kawefube ono. Wakutandiika nga 25 Novemba, olunaku olw'ensi yonna olwatekebwaawo okumalawo obutabanguko mu maka akomekerezewe nga 10 Desemba, olunaku ly'eddembe ly'obuntu olw'ensi yonna. Ennaku zino zalondebwa okwongera okukattiriiza nti obutabanguko mu maka kityoboola eddembe ly'obuntu. Kawefube ono ajjumbiddwa kubanga kati waliwo abakya abalwanyiriizi b'eddembe obukadde n'obukadde n'enkumi n'enkumi z'ebibiina mu nsi yonna ebiriina obumaliriivu okulaba nti okutulugunyizibwa mu maka kukoma.⁴

2012 Ebinakozesebwa

Ekitongole ekya Center for Women's Global Leadership (CWGL) kifuba okulaba nti kikuteerawo ettu omuli ebiwandiko n'ebintu ebilala byonakozesa mu kuteekateeka kawefube owe nnaku ekumi n'omukaaga. Ettu lino lija kufulumizibwa mu nnimi eziweraako okutandika mu gw'omunaana (Agusto). Ababyetaaga mugende mu kibanja kyaffe (<http://16dayscwg.rutgers.edu>) okufuna Ettu Iya "Take Action Kit materials" oba okusaba CD ekuwerezebwe. Kakasa nti outeeraako by'okoze ku kalenda ya kawefube waffe ku lukomo! Webale nyo!

Butya bwosigalako ate nomanya ebisingawo

- Ekibanja okuli ebya kawefube : <http://16dayscwg.rutgers.edu>

- Okuwereza n'okunoonya ebiri mu ntekateeka ya kawefube Post and search for events on the online Campaign Calendar: <http://16dayscwgl.rutgers.edu/campaign-calendar>
- Join the 16 Days list serve: https://email.rutgers.edu/mailman/listinfo/16days_discussion
- Facebook: <http://www.facebook.com/16DaysCampaign>
- Flickr: <http://www.flickr.com/photos/16dayscampaign>
- Twitter: https://twitter.com/#!/CWGL_Rutgers
- 16 Days Twitter hashtag: #16days
- YouTube: <http://www.youtube.com/user/CWGLRutgers>
- Email us anytime! 16days@cwgl.rutgers.edu

Translated by Mike Ilamyo, Host/ Writer Vital Doctor health series

¹ Center for Women's Global Leadership. 2011. "Intersections of Violence Against Women and Militarism Meeting Report." <http://www.cwgl.rutgers.edu/resources/publications/gender-based-violence/388-intersections-of-violence-against-women-and-militarism-meeting-report-2011>.

² Center for Women's Global Leadership. 2012. "16 Days of Activism Against Gender Violence: Analytical Summary." <http://16dayscwgl.rutgers.edu/previous-years/2011/16-days-analytical-summary-2011>.

³ World Health Organization. 2005. "WHO Multi-Country Study on Women's Health and Domestic Violence against Women: Initial Results on Prevalence, Health Outcomes and Women's Responses." http://www.who.int/gender/violence/who_multicountry_study.

⁴ Center for Women's Global Leadership. 2012. "16 Days of Activism Against Gender Violence: Analytical Summary." <http://16dayscwgl.rutgers.edu/previous-years/2011/16-days-analytical-summary-2011>.